# Biwandiiko ki bye nneetaaga okukiriyalinga ebyamaguzi?



**BUUZA KAMISONA**

URA
Uganda Revenue Authority
DEVELOPING UGANDA TOGETHER

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo byanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.

**ENKOLA gye mpulira eya individual House Bill etegeeza ki era erina njawulo ki n'eyo ebaddewo?**
Enkola ya Individual House Bill yaleetebwa okugonjoola engeri abantu abayingiriza ebyamaguzi awamu mu nkola emanyiddwa nga groupage gye basasulamu omusolo. Emabegako, omuntu omu yakung'aanyanga abasuubuzi ab'enjawulo abayingiza ebyamaguzi ebitonotono, n'abiyingiriza mu konteyina emu.

Bwe byatuusibwanga e Mombasa, ng'oyo abiyingizza akiriyalinga omusolo gw'abasuubuzi bonna abeegattidde mu konteyina ku kiwandiiko kimu ekimanyiddwa nga Master Bill Lading, ng'akozesa TIN ye.

Enkyukakyuka eyaleetebwa eri nti, oluvannyuma lw'okutuusa konteyina omuli ebyamaguzi by'abasuubuzi ab'enjawulo, buli musuubuzi aweebwa ebyamaguzi bye n'ekiwandiiko kya Individual House Bill of Lading ne yeesasulira omusolo ogumugerekeddwa ku bintu bye.

**Kati nsigala nkyasobola okwegatta ne bannange ne tuyingiriza wamu ebyamaguzi mu konteyina y'omuntu omu mu (Consolidator) nkola ya groupage?**
Enteekateeka eno teggyaawo kuyingiriza byamaguzi mu konteyina emu naye ekikyuka, kwe kuba nti ebyamaguzi bwe bituusibwa e Mombasa, oyo ayambyeko okugatta abasuubuzi ab'enjawulo awa buli musuubuzi Individual House Bill of Lading ne yeesasulira omusolo ng'akozesa TIN ye, ekintu ekikendeeza obudde obutwalibwa okukiriyalinga ebyamaguzi.

**Enkola eno empya tefuula kuyingiza byamaguzi na kusasula musolo kya bbeeyi?**
Nedda. Lwa nsonga nti, kino kiyambako omusuubuzi okwesasulira omusolo gwe awatali kubuzaabuzibwa. Jjukira nti emabegako, omugugu ogumu mu konteyina bwe gwabeerangako obuzibu oba omu ku basuubuzi n'alemererwa okufuna ensimbi z'okusasula omusolo mu budde, kyalwisangawo konteyina yonna, ekintu ekitasoboka mu nteekateeka eno empya.

**Biwandiiko ki bye nneetaaga okwekiriyalingira ebyamaguzi byange?**

Ebiwandiiko bye weetaaga okukiriyalinga ebyamaguzi kuliko Invoice kwe byagulirwa, bill of lading n'ekiwandiiko ky'olukalala lw'ebyamaguzi ebyo ekimanyiddwa nga packing list. Teweerabira nti weetaaga okuba ne TIN yo okusobola okutuukiriza kino.



Konteyina z'ebyamaguzi nga ziyingira eggwanga.

## Omubaka wa Palamenti bamusalako omusolo gwa ssente mmeka?



Omubaka omukazi owa Butambala, Lydia Mirembe

**Omubaka wa Palamenti bamusalako omusolo gwa ssente mmeka buli mwezi?**
Buli mubaka wa Palamenti kimukakatako okusasula omusolo ku musaala gwe buli mwezi. Embala y'omusolo esinziira ku bungi bw'omusaala omubaka gw'afuna, nga wano we tusinziira okumuggyako omusolo. Mu kukola kino, tugendereramu okussaawo obwenkanya mu kusasula omusolo nga bwe kiri ku bakozi abalala (ng'oggyeeko abo abaasonyiyibwa okusasula omusolo ku misaala gyabwe).

**Mwebale aba URA okutusomesa ku by'emisolo buli kadde.**

**Naye lwaki abakozi bammwe basusse obukambwe nga batukwata?**
Si nkola ya URA okutulugunya abawi b'omusolo, oli ne bw'aba ng'azzizza omusango ku nsonga z'omusolo. Mu mbeera eno, tuteekeddwa okumuyisa mu nkola y'obuntubulamu ng'amateeka bwe galagira. Noolwekyo, bwe weesanga nga waliwo abakozi ba URA abakuyisizza obubi, osobola okututuukirira ku nnamba y'essimu, 0772141075 ojja kuyambibwa.

Kino kiri bwe kityo kubanga ng'ekitongole, tulina abavunaanyizibwa ku kukwasisa empisa eri abakozi baffe be ziba zisiiwuuseeko.

**Kituufu nti URA esala omusolo ku ssente za NSSF ze bawa omuntu ng'awummudde?**
URA teggya musolo ku nsimbi za NSSF omukozi yenna z'aba yeeterekedde. Kino kiri bwe kityo kubanga ensimbi zino we ziterekebwa, ziba ziggyiddwaako omusolo. Noolwekyo, mu kiseera ky'okuwummula, nnyini zo zimuweebwa bulambalamba.

**Ssebo kamisona, nsaba nga URA mututeerewo enkola y'okutuzimbira amayumba ng'ekitongole nga bwe tusasula mpola.**
Tweyanzizza ekiteeso ky'oleese eky'okuzimbira Bannayuganda ennyumba ez'omulembe ku bbeeyi ensaamusaamu. Naye obuvunaanyizibwa buno bugwa mu minisitule y'ebyamayumba n'enkulaakulana y'ebibuga (Ministry of Housing and Urban Development). Noolwekyo, minisitule eno y'esaanidde okutunula mu kiteeso kyo.

**Bwe mba njagala okufuna ebbaluwa ezimpa obuyinza ku bintu by'omufu (Letters of Administration) nsasula omusolo gwa ssente mmeka?**
Ebbaluwa ewa omuntu obuvunaanyizibwa bw'okulabirira ebyobugagga by'omugenzi (Letters of Administration) egabwa kkooti ewuliriza emisango gya famire (Family Court), ng'eno etuula Makindye.

Ebbaluwa eyo tesasulirwa musolo, kyokka waliwo ekiwandiiko ekissibwako omukono oyo aba aweereddwa olukusa okulabirira ebyobugagga by'omugenzi, nga kino kimanyiddwa nga Administration Bond. Kino okukikakasa ng'ekiwandiiko ekikkirizibwa mu mateeka, kisasulirwa omusolo gwa Stamp Duty gwa 15,000.